# Eby'okukola ebiri mu kusomera awaka

**OKUYIGA**

kubaawo mu kifo kyonna, ekiseera kyonna era eri buli muntu yenna.



EENET
Enabling Education Network

NAD – The Norwegian Association of Disabled

**EENET – Enabling Education Network**
PO Box 422
Hyde
Cheshire
SK14 9DT
UK

www.eenet.org.uk

info@eenet.org.uk

+44 (0)7929 326 564

This work is licensed under the Creative Commons Attribution-NonCommercial-ShareAlike 4.0 International License. To view a copy of this license, visit http://creativecommons.org/licenses/by-nc-sa/4.0/

Omulimu guno guweereddwa olukusa wansi wa Creative Commons Attribution-Non-Commercial-ShareAlike 4.0 International License. Okusobola okulaba kopi y'olukusa luno, genda ku http://creativecommons.org/licenses/by- nc-sa/4.0/

# Ebirimu


**Ennyanjula** 4

**Okutuukanya emirimu gino n'embeera z'abaana abetaaga okusomesebwa mu ngeri ey'enjawulo n'abo abalina obulemu** 6

**Olukalala lw'emirimu** 8-73

Ekitabo kya ABC 8
Zimba omunaala 10
Zimba bbugwe 11
Akakunizo k'ebibalo 13
Okufumbira ku miwendo 16
Tegeka omuzannyo gw'oku kabaawo 18
Kye ndaba ky'olaba? 20
Kuba ekifaananyi ky'ensolo ey'eggete 21
Kuba ekifaananyi ky'ekibuga ky'ekirooto kyo 23
Ebintu ebisinga okutusanyusa 25
Seeyeeya eryato lyo 27
Okugenda mu katale 28
Ebigambo bimeka ...? 30
Singa nze pulezidenti .... 31
Buuza ebibuuzo omuntu akusinga obukulu mu my-aka 33
Vumbula oba yiiya ekintu kyonna oba ekyuma 35
Okuwunda ebintu okuva mu kasasiro 37
Okukola enkalala 39
Kuba maapu y'ekitundu kyo 40
Kola ddole okuva mu sookisi 42
Mancala oba omuzannyo omulala ogw'okubala emiwendo 44
Okutunuulira obutonde bw'ensi 46
Oluyimba oluggya, eddoboozi ekkadde 49
Ebitontome eby'ekisiru 50
Simba ensigo ogyetegereze ng'ekula 53
Okusomera awamu 55
Omuyiggo 58
Akabonero ak'ekyama 60
Ekikula ky'ebintu n'enneewunda yabyo mu butonde 62
Enkulungo y'olugero 64
Weebaze omuzira w'abantu 66
Omuyiggo gw'ekkula 67
Ebibuuzo amakumi abiri 69
Ebbaluwa eri omusomesa wo 71

# Ennyanjula

## Ekitabo kino kiruubirira ani?

- Emirimu gino gya **maka gonna** agalimu abaana abalina n'abatalina bulemu.
- Emirimu gino gya **buli muntu yenna** – bamaama ne batata, abakuza, abawala, n'abalenzi, abaana abato, aboluganda (abalenzi n'abawala), bajjajja abakyala n'abaami, bakojja ne bassenga. Waliwo emikisa mingi egy'okuyigira awamu.

## Emirimu gino gye giriwa?

Kino **'kintabuli' kya mirimu** egy'okukolera awaka nga gikolebwa abawala n'abalenzi ab'emyaka gyonna wamu ne bazadde baabwe, abakuza era n'abe anda zaabwe. Buli muntu yenna asobola okweyambisa amagezi ge n'obutetenkanya bwe n'azimbira ku mirimu gino. Emirimu egisinga obungi gisobola okukolebwa emirundi egiwerako mu ngeri ezitali zimu.

## Lwaki emirimu gino gyayiiyiziddwa?

Emirimu gino giwagira engeri ez'enjawulo abaana ze bayigiramu ebintu awaka. Osobola okuba ng'egimu ku mirimu gino ogimanyi kubanga abaana bo baatandika dda okugikola. Emirimu gino giyamba amaka okwongera okutegeera **engeri omuntu gy'asobola okuyigira awaka** n'engeri okuyigira awaka gye kuyinza okuyamba omuntu okuyigs obulungi ku ssomero.

## Engeri y'okweyambisa emirimu gino?

Emirimu gino mugitunuulire n'omwana wo. Leka omwana alondeko emirimu egimunyumira. Emi-rimu gino tegirina busengeke bwonna bwe girina kukolerwamu.

Buli mulimu guliko ebigunnyonnyola, mu ngeri eno:

> **Ojja kwetaaga:** Akasanduuke kano kalaga okweteekateeka n'ebikozesebwa ebyetaagisa okusobo-la okukola omulimu ogwo. Emirimu egimu tegirina bikozesebwa bye gyetaaga, ate emirala gyetaa-ga ekkalaamu enkalu n'olupapula, oba ebintu ebibadde bisuuliddwa oba ebipakiti n'ebikebekebe ebirala ebiyinza okufunibwa awaka ku bwereere.
>
> **Eby'okukola:** Ebiragiro bino biwandiikiddwa omwana asobole okubigoberera. Abaana abasobola okusoma bayinza okuba nga basobola okugoberera emitendera ku lwabwe bokka. Abaana abalala bayinza okwetaaga okuyambibwako mukulu waabwe oba omuntu omukulu asobola okusoma.

**Omulimu ogw'ennyongeza:** Emirundi egimu, emirimu egy'ennyongeza gyongeddwamu okusob-ola okwongera okusoomooza abaana abakulu oba abasooloobyeko ku bannaabwe.

Wansi wa buli mulimu waliwo obubaka obukuyamba okulondako emirimu egisaanira omwana wo. Mu bubaka buno mulimu:

**Ekigero ky'emyaka:** Kino kirambika ekigero ky'emyaka egiyinza okutuukira ku buli mulimu, naye emirundi egisinga obungi abaana ab'emyaka gyonna basobola okukola omulimu gwe gumu. Bye bakola biyinza okwawukana, okugeza, abaana abakuluko bayinza okuwandiika, oba okukuba ebifaananyi mu ngeri esingako okutegeerekeka obulungi.

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Kino kitegeeza nti kiyinza okukwetaagisa ggwe oba mukulu w'omwana okuyambako ku mwana oyo akatonotono oba okumuyambako ennyo, oba ayinza omulimu okugwekole yekka nga tayambiddwako. Ensonga zino zijja kukuyamba okusalawo oba kikwetaagisa okubeera okumpi awo naye ng'olina ebirala by'okola ng'eno omwana bw'akola omulimu guno. Ggwe oba muganda w'omwana kiyinza olumu okubeetaagisa okuyambako mu ngeri ey'enjawulo abaana abetaaga okukwata n'obwegendereza obw'enjawulo mu kusoma oba abalina obulemu.

**By'ogenda okuyiga (amagezi) ne by'ogenda okukola (obukodyo):** Buli mulimu guyamba omwana okweyongerako amagezi, oba okugezesa oba okuyiga akakodyo akapya. Akasanduuke akali wansi wa buli mulimu kalaga obukugu n'obukodyo obuzimbiddwa mu mulimu ogwo. Emirimu mingi girimu okukola, okuzimba oba okutondawo ekintu ekiyamba omwana wo okwegezaamu mu bukodyo obw'omugaso ennyo. Mu bukodyo buno mulimu okuwuliziganya, okukolaganira awamu (okukolera awamu n'abalala), obutetenkanya, okugonjoola ebizibu, okwefumiitiriza n'okukwanaganya ebiyungo by'omubiri. Amasomero n'abasomesa bakimanyi bulungi nti obukodyo buno bwa mugaso. Abaana tebatera kuba na biseera bimala kwegeza mu bukodyo buno ku ssomero. Awaka, wabeerawo omukisa munene ogw'okuyiga nga bayita mu kuzannya n'okukola emirimu gya bulijjo ng'okufumba.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu:** Emirimu egisinga obungi girimu okuwabula ku ngeri z'okutuukanya oba okukyusa mu mulimu olw'omwana eyetaaga okufiibwako okw'enjawulo mu kusoma oba alina obulemu. Emirimu gyonna gisobola okukolebwa abaana bonna, wabula abaana abamu bayinza okwetaaga okwongera okuyambibwako oba bayinza okweyambisa engeri endala okukola omulimu (gamba okusiiga ebifaananyi oba okwogera mu kifo ky'okuwandiika; oba okwongera okiugonza omulimu). Omuko oguddako gwongera okuwa ebirowoozo ku ngeri y'okutuukanya emirimu ku baana. Ggwe osinga okumanya omwana wo, n'olwekyo ggwe omanyi ekijja okumukolera obulungi.

**Jjukira, okuyiga kusobola okubaawo mu kifo kyonna, ekiseera kyonna.**

# Adapting activities for children with okutuukanya emirimu n'embeera z'abaana abetaaga okusomesebwa mu ngeri ey'enjawulo n'abo abalina obulemu

Akasanduuke akali ku nkomerero ya buli mulimu kawa amagezi ku ngeri y'okukyusakyusa oba okutuukanya omulimu ku mbeera z'abaana abetaaga okusomesebwa mu ngeri ey'enjawulo n'abo abalina obulemu. Buli mwana alina engeri ze, n'olwekyo ebirowoozo bino bya wamu. Emirundi egisinga obungi omwana ye ajja okutulaga kye yetaaga. Bwe tubeera tukola emirimu gino n'abaana, kyongera okutusobozesa okubayamba obulungi n'okumanya bye basobola okukola obulungi, bye basinga okwagala okukola ne we betaaga obuyambi.

Kirungi okuyamba omwana wo, naba osaana olabe nti ate si ggwe 'omukolera' emirimu gino

– yetaaga okuwulira muli alina ky'asobodde okwekolera. Tokitwala nti omwana tasobola kukola mulimu. Osobola okuyiiya engeri z'okutuukanya omulimu ku mbeera eriwo, gube nga buli o,mu aosbola ok,ugukola.

Bino wammanga bye bimu k,u birowoozo ku baana abalina obulemu obw'engeri ezitali zimu n'abo abalina obuzibu mu kuyiga. Ebirowoozo bino bisobola okweyambisibwa ku mulimu gwonna.

## Abaana abatalaba bulungi

- **Kozesa ennukuta nnene:** Omulimu bwe guba gulimu okuwandiika, sooka otegeere oba omwana asinga kwanguyirwa kusoma nnukuta nnene oba ntono. Oluusi ennukuta entono ze zibeera zisingako obulungi kubanga 'zekulunga' bulungi era zibeera 'zeyunze' ku zinnaazo, n'olwekyo zibeera nnyangu okusoma n'okulaba.
- **Kozesa langi:** Kozesa langi njawufu, bwe kiba kisoboka, okuwandiika ebigambo ebizimbir-wako emboozi, (okugeza, obugambo nga 'a' ne 'the' mu Lungereza oba/ n'ebigambo ebikozi ebya bulijjo nga 'yatula' 'leeta' ne 'wa'). Kino kiyinza okuyambako omwana okwanguyirwa okusoma oba okuwandiika.
- **Weyambise ebintu ebikwatikako amangu** ng'okola n'okuzimba ebintu, abaana abatalaba bulungi basobole 'okuwulira n'engalo' 'n'okukwata' ku bintu bye babeera babumba. Okugeza, zimba omunaala ng'okozesa ebintu ebikoleddwa okuva mu bintu eby'enjawulo).
- **Nnyonnyola ebifaananyi:** Ebifaananyi bwe biba nga bye bimu ku bintu ebiri mu mulimu, jjukira okubinnyonnyola eri omwana.
- Jjukira, ebirowoozo bino bisobola okuyamba abaana abalala bonna, so si abo bokka abatalaba bulungi.

## Abaana abatawulira bulungi

- **Kozesa olulimi lw'obubonero** ggwe oba omwana wo bw'aba alumanyi. Oba yiga ebintu ebitonotono ebisookerwako mu lulimi lw'obubonero nga muli wamu n'omwana wo.

- **Weyoleke butereevu mu maaso g'omwana** oyo atawulira bulungi era oyogere ng'olambulula bulungi ebigambo (towoggana). Weyambise **obubonero bw'omubiri, amaaso n'emikono** okusobola okutuusa obulungi obubaka bwo.
- Gezaako okukolera emirimu gino mu bifo ebitangaavu obulungi, omwana abeere ng'alaba asobole okusoma emimwa.
- Topapa era tosooba, so ate era tolya bigambo ng'oyogera
- Kozesa ekkalamu n'olupapula (oba ennoni n'olubaawo) mu kukola emirimu gino ng'owandiika ebintu, oba ng'okuba ebifaananyi olw'okuyamba okunnyonnyola ensonga.
- Omwana mulage emirimu gino bwe gikolebwa bwe kiba kisoboka mu kifo ky'okukoma ku kumunnyonnyola obunnyonnyozi ( na kamwa oba n'olulimi lw'obubonero).
- Jjukira, ebimu ku birowoozo bino bisobola okuyamba abaana abalala bonna, so si abo bokka abatawulira bulungi.

## *Abaana abatasobola bulungi kutambula*

- **Ebikozesebwa n'ebyeyambisibwa biteeke kumpi awo:** Laba nti ebintu bye wetaaga oku-kola omulimu biteekebwa omwana w'asobola okubituukako amangu.
- **Gezaako okukozesa ebintu ebirina ekigero ky'obunene obuyamba abaana okukwana-ganya amangu.** (Okugeza, ekkalaamu ennene ziyinza okubeera ennyangu okukwata okunyweza.)
- **Luamya ebikolwa n'okubiwanirirako** bwe kiba kyetaagisa, (okugeza, oyinza okwetaa-ga okuyambako mu kunyeenya akapeesa mu kuzannya emizannyo gy'oku kabaawo).
- **Funza ekifo:** Kyusakyusa mu mirimu gisobole okukolerwa mu bifo ebifunda, nga gyetaaga okutambula kutono, (okugeza, omulimu gw'okuyigga empungu oba ogw'okukwekula ekkula gisobola okukolerwa mu kasenge kamu mu kifo ky'okugikolera mu nnyumba yonna oba wabweru).

## *Abaana abayiga empola*

- **Omulimu gugonzeemu** gukolebweko kitundu. (Okugeza, muyimbeeko ekitundu kimu eky'oluyimba mu 'Akayimba akapya, oluyimba olw'edda', so si bisatu; muwandiike olukala-la lumpi mu 'Kukola enkalala'. Omwana wo asobola n'okuwandiika ekigambo kimu kimu mu kifo ky'emboozi ennamba okulaga ebiroozo bye.)
- **Kuba bifaananyi mu kifo ky'okuwandiika.** Emirimu mingi egirimu okusiiga ebifaananyi. Mu mirimu egiragira omwana okuwandiika, ayinza okukuba obukubi ebifaananyi okulagaa ebirowoozo bye.
- **Kutulakutula ebiragiro** mu mitendera emyangungu ogambe omwana agikole gumu ku gumu. (Okugeza, 1. Funa ekkalaamu n'olupapula, 2. Kuba ekifaananyi, 3. Kisiige langi, 4. Maliriza ng'okirambako ebigambo.)
- **Ebiragiro biddemu** emirundi ebiri oba esatu, omwana asobole okubiyingiza mu mutwe n'okutegeera obubaka obubirimu.


Bulijjo leka abaana bakulemberemu. Bajja kukugamba oba ddala bategeera kye baliko, nti era banyumirwa okukola omulimu ogwo oba nedda. Bayambeko n'eggonjebwa wabula tobawaliriza. Kitera okubeera ekirungi okukkiriza nti omulimu muzibu ne mulyoka mutandika okugukolera awamu mwenna. Osobola okugamba nti "Kino kirabika kizibuzibu, si kyo? Tugezeeko okukikolera awamu ffenna?"

# Ekitabo kya ABC

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu (eza langi bw'oba ozirina), olupapula, ggaamu oba empiso ne wuzi

## Eky'okukola:

- Funa empapula n'ekkalaamu eza langi.
- Ogenda kukola ekitabo kya walifu. Funya obupapula. Ogenda kwetaaga empapula mmeka?
- Lowooza ku ngeri gy'ogenda okuwandiika ennukuta zino. Ennukuta emu emu ku buli lupapula? Bbiri?
- Lowooza ku ngeri gy'ogenda okuwandiika ennukiuta zino. Zigenda kubeera nga zegattuludde? Ennukuta zigenda kubeera nga zaakula ng'obugologoozi? Zisiige langi bw'oba olina langi.




- Gattako ebigambo ebitandika n'ennukuta ya walifu ku buli lupapula. Ogenda kwongerako ebifaananyi by'ebintu ebikalu/ebisolo ebirina amannya agatandika n'ennukuta eyo?
- Wunda era osiige ekifaananyi ky'eddiba ly'ekitabo. Jjukira okuteekako erinnya lyo 'ng'omuwandiisi' (omuyiiya wekitabo).
- Ekitabo kizinge osabe omuntu omukulu akikutungire n'ewuzi n'emp[iso oba akisibe ne ggaamu.

## Omulimu ogw'ennyongereza:

- Soma oba gamba omuntu akusomere akagero kano wammanga.

### Okutabulwa mu Nsi ya Walifu

Olunaku lumu abalongo 'e' ne 'e' baasalawo okwesanyusaamu. Bwe batyo ne bayingira wakati mu bigambo byonna bye baasobola okulowoozaako. Baakyusa 'ship' (emmeeri)' ne kifuuka 'sheep' (endiga) era endiga n'etoba nnyo n'esoberwa. Baakyusa 'chick (akakoko akato)' ne kifuuka 'cheek' (ettama) era enkoko nnakizaalizi n'emala olunaku lulam,ba ng'enoonya akaana kaayo. Baakyusa 'stir' (okukologa) ne kifuuka 'steer' (okuvuga) era omufumbi n'aba nga tamanyi by'akola. Baakyusa 'Will' (ekiraamo) ne kifuuka 'wheel' (namuziga) n'egenda ng'eyiringita okukkirira akaserengeto. Abalongo baaseka nnyo. Naye ennukuta endala eza walifu kino tekyazinyumira. Oluvannyuma, ssenkulu wa walifu yategeeza nti. 'Kale ekyo kimala.' Bwatyo abalongo n'abateeka wakati mu kigambo 'slip' (okuseerera) era bwe batyo ne bagenda mu 'sleep' (otulo) ne beebaka.

- Osobola okuyiiya alagero akako akakwata ku nnukuta z'omu Nsi ya Walifu?

**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu

**By'ogenda okuyiga:** Walifu, okuyiga olulimi, ebigambo ebipya, empandiika y'ebigambo.

**By'ogenda okukola:** Obuyiiya, okukwanaganya ebintu, okusengeka ebintu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Yiiya akayimba akakwata ku walifu.
- Gamba omuntu omulala akuyambeko okukola ekitabo.
- Kozesa obuyinja obutonotono oba buccokolo okukola ennukuta za walifu ku mmeeza oba wansi ku ttaka.

# Zimba omunaala

**Ojja kwetaaga:** Ekibookisi oba ekisabika ekya pulasitiika, obusanduuke obutonotono, amayinja amatereevu

## Eky'okukola:



- Kuaanya ebintu bingi ddala ng abwe kisoboka ebirina entobo entereevu. Mu bino muyinza okubaamu ebibookisi ebikadde, ebipakiti ebiriko ebisaanikira, ebitabo, amayinja amtonotono amabyabyatavu, ebicupa ebya pulasitiika, ebiriko ebisaanikira...
- Gezaako okuzimba omunaala ng'okozesa ebintu bino. Kiki ky'ozudde ku kintu ky'osobola okutuuza waggulu kinnaakyo? Ebintu ebisingako obunene biri ludda wa? Singa otuuza ekintu ekitono wansi ku ntobo y'omunaala, kiki ekibaawo?
- Omunaala gwo gusobola kwambuka kutuuka war? Kiki ekireetera omunaala gwo okuyimirira oba okugwa? Oyinza otya okwongera okugunyweza?

**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okutengerera, okusengeka ebintu.

**By'ogenda okukola:** Okugezesa, okuyiiya, okukwanaganya ebintu, n'okutegeera ebikwebunguludde.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gamba omuntu omulala akuyambeko okuzimba omunaala.
- Bw'oba tolaba bulungi, kozesa ebintu by'osobola okukwatako n'obitegeera olyoke osobole okutegeera omunaala gwo.
- Bw'oba okaluubirirwa okutengereza obuntu obutono, kozesa ebintu ebinene ebyanguwa okutengerera.

# Zimba bbugwe

**Ojja kwetaaga:** Ebibajje, ebintu ebigazi gamba urniture, large objects such as cardboard boxes or pieces of wood, old tyres etc.

**Eky'okukola:**

- Bbugwe ye ntuumu y'ebintu ebikalu bye wetaaga okuwalampa oba okuyitamu wansi oba okubuuka. Muno muyinza okubaamu okudduka emisinde, okubuuka, okwewalula, oku-walampa n'okwetengerera. Osobola okukifuula ekyangu nga ggwe bw'oyagala. Labira ku ky'okulabirako ekiri mu kifaananyi.

- Funa ekifo (munda oba wabweru) w'osobola okuteeka bbugwe. Kuaanya ebimu ku bintu by'ogenda okuzimbisa bbugwe; okugeza, ebibaawo, amayinja amanene ag'okuwalampirako, emipiira emikadde, ebibajje ebikaddiye. Sooka webuuze ku muntu omukulu oba OSOBOLA OKUBIKOZESA.



- Panga era ozimbe bbugwe wo. Lowooza ku bantu abagenda okukozesa bbugwe oyo. Kifuule kizibu kyokka nga kisoboka gye bali!
- Gezesa bbugwe wo – waliwo ekintu kyonna ky'oyagala okukyusaamu? Gamba omuntu okubalire obudde nga wetoloola bbugwe wo. Osobola kukikola mu bwangu bwenkana wa?



**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu

**By'ogenda okuyiga:** Okusengeka ebintu, okuzimba.

**By'ogenda okukola:** Obuyiiya, okugonjoola obuzibu, okukwanaganya ebintu, ebikalu, okutegeera ebikwebunguludde.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**


- Bbugwe wo mugondeze omuntu alina obuzibu mu kutambula oba atalaba bulungi. Teekamu ebikolwa bye basobola okwetabamu, ng'okwevulungula, oba okwewalula oba ebintu by'okwatako n'obitegeera mangu basobola okwezuulira ekkubo.

# Akakunizo k'ebibalo


**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu/eya bwino n'olupapula, ennoni

## Eky'okukola:


- Koppolola ekifaananyi kino ku lupapula oba funa awantu awagazi w'osobola okukikuba n'ennoni ku ttaka.





- Omuzannyo guno kukwata ku kuzannya na miwendo. Okuva ku 'NTANDIKWA' otambulira mu layini okutuuka ku 'NKOMERERO'. Osobola okutambula obutereevu oba okugendera mu zig-zag oba mu ngeri endala yonna ng'ogoberera layini.
- Bw'ogenda otambulira mu layini obeera obala (ogatta) ennamba z'osanga n'osobola okumaliri-za n'omuwendo omugatte ku NKOMERERO.
- Okugeza: Engeri meka ez'enjawulo z'osobola okweyambisa okufuna omuwendo 8?




**1.**
2 x 4 = 8




**2.**
2 + 2 + 4 = 8




**3.**
3 x 4 − 4 = 8
(12) − 4 = 8

Eky'okuddamu: waliwo engeri ssatu ezisoboka

- Amateeka gali nti:
  - Buli ngeri erina okuba nga njawufu.
  - Tewali ngeri esobola kuyita mu kifo kimu mirundi gisoba mu gumu.
  - Buli mulundi gw'oyita ku nnamba oteekeddwa okweyambisa okugatta, okutoolako oba/n'okukubisaamu osobole okuyingiza ennamba eyo mu kibalo kyo.

- Osobola okuzuula engeri eneekutuusa ku muwendo 10? Ate engeri bbiri ezikutuusa ku muwendo 16? Wandiika wansi ebibalo byo.

- Ngeri ki endala n'emiwendo egisembayo by'osobola okuyiiya? Muwendo ki ogusingayo obunene gw'osobola okukola? Muwendo ki ogusingayo obutono gw'osobola okukola? Miwendo ki egy'enjawulo egisembayo gyonna awamu gy'osobola okukola?

**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- Wa omuntu omulala yenna omuwendo ogusembayo omugambe anoonye amakubo agagumu-tuusaako. Bayinza okuzuula amakubo ge wabadde tolowoozezzaako!

- Ennamba eziri ku kifaananyi zisanguleko oteekeko ezizo Ennamba ez'engeri yonna zisoboka naye kirungi ozikuume nga za muwendo gumu oba ebiri.

- Oyinza n'okuteekamu emiwendo egirimu obutundutundu omulimu gwongere okukaluba. Okugeza, 0.5 x 4 = 2 oba 2.5 x 5 = 12.5.

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu

**By'ogenda okuyiga:** Ebibalo, okugatta, okutoolako n'okukubisaamu.

**By'ogenda okukola:** Okugonjoola obuzibu, okulowooza okw'amakulu, enkolagana n'abalala, okuwuliziganya n'abalala.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Kola ekitimba ekigazi eky'emisittale wansi ku ttaka ng'okozesa ennoni era 'otambulire' mu makubo agalimu osobole okujjukira obulungi ebibalo.
- Ennamba eziri ku kifaananyi zibe nga tezisukka 1-5.
- Funa amakubo ag'enjawulo agakujja ku 'ntandikwa' okukutuusa ku 'nkomerero' era obale en-namba z'oyiseeko (tekikwetaagisa kuzigatta).

# okufumbira ku miwendo

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula, ebirungo ebifumba, ebintu ebifumbirwamu.

**Eky'okukola:**

- Salawo ky'oyagala okufumba. Tegeka ebirungo by'ogenda okukozesa ng'oyambibwako omuntu omukulu oba mukulu wo bw'oba wetaaga.
- Wandiika olukalala lw'ebirungo (ebintu by'ogenda okutabulamu) bye wetaaga.
- Salawo omuwendo gw'abantu b'ogenda okufumbira. Bungi ki obwa buli kirungo bw'ogenda okwetaaga ku muwendo guno ogw'abantu? Wandiika omuwendo gw'ogenda okwetaaga okuliraana buli kirungo ekiri ku lukalala.
- Emiwendo gino gyandibadde gyenkana wa singa obadde olina kufumbira abantu abakubisaamu emirundi ebiri? Abaawulemu emirundi ebiri? Nga kweyongeddeko babiri?
- Tegeka ebirungo byo n'ebyofumbiramu (sseffuluya oba entamu). Pima ebirungo.
- Mukubaganye ebirowoozo ku mitendera/endagiriro y'okufumba ekijjulo kino era buli mutendera oguwandiike. Kozesa ebigambo ebinnyonnyola okufumba, gamba 'salaasala', 'waata', 'tabulamu', ne 'kologa'.
- Goberera buli mutendera gw'okufumba era ng'ogenda okyusakyusa mu biragiro bye wawandiise. Gezaako okuba ng'otegeerekeka bulungi ddala nga bwe kisoboka, omuntu omulala asobole okugoberera enfumba y'ekijjulo kyo.
- Bw'oba omaze okufumba, yita abantu bo bajje mulye by'ofumbye.
- Lowooza ku ngeri y'okugabanya ekyenkanyi by'ofumbye mu muwendo gw'abantu abaaliwo. Ebijiiko/ebibezo/ebifi bimeka buli muntu by'alina okufuna? Ebyokulya bimala abantu okusobola okweyongeza omulundi ogwokubiri?

### Omulimu ogw'ennyongereza:

- Wandiika bulungi ekijjulo kyo omuntu omulala abe ng'asobola bulungi okugoberera endagi-riro. Mugambe ateeketeeke ekijjulo ekyo n'oluvannyuma akubuulire oba endagiriro ebadde etegeerekeka bulungi era oba waliwo ekyetaagisa okukyusaamu.




- Londawo ekijjulo ekisobola okwawulwayawulwamu, gamba kkeeki oba bbisikwiti oba okusalaasala ekipooli ky'ebibala. Gabanyamu emiteeko egy'enjawulo (ng abwe guli mu kifaananyi ekyo waggulu).

- Kola ekitabo ky'ebijjulo byonna by'osinga okwagala.

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu / Bungi

**By'ogenda okuyiga:** Okubala emiwendo, okubala ebintu ebya bulijjo, okupima, okuteekateeka ekijjulo, olulimi

**By'ogenda okukola:** Obuyiiya, okuwuliziganya, okugonjoola obuzibu, okulowooza okw'amakulu, okukwanaganya ebintu

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**


- Gamba omuntu akuyambeko okufumba.
- Londako ebitundu mu kufumba by'osobola. Osobola okukologa? Osobola okuyiwamu ebirungo ebimu?
- Endagiriro giwe mu bigambo ebyogere so si ebiwandiike.
- Gamba omuntu omulala awandiike endagiriro.
- Kuba ebifaananyi bya buli mutendera mu kuteekateeka ekijjulo.

# Tegeka omuzannyo gw'oku kabaawo

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu eza langi oba eza bwino, olupapula olugazi, ebintu ebitali binene nnyo, makaasi, ddayisi oba akapapula akakola nga ddayisi

**Eky'okukola:**

- Funa olupapula n'ekkalaamu, langi ez'enjawulo bwe kisoboka. Teeka olupapula olugazi olukalu ku mmeeza oba wansi ku ttaka.




- Kuba akakubo akagenda kenyoolanyoola nga kasala mu lupapula. Kaawulemu obweso.

- Londako oluuyi lumu lubeere entandikwa ate olulala lubeere enkomerero. (laba ekifaananyi wammanga).

- Ku bweso obumu wandiikako 'funa kaadi'. Ku bweso obulala wandiikako 'ddayo amabanga 2' oba 'buuka oluwalo'. Olinayo ebirowoozo ebirala ku ngeri gy'oyinza okuddamu nate okulagirira abazannyi okweyongerayo mu maaso oba okudda emabega? Obweso obusinga obungi buleke ku kabaawo nga tebuliimu kintu kyonna. Oyagala wabeewo okusoomooza okumala ebintu bisobole okuba nti binyuma, naye ate si mu ngeri eyitiridde eremesa omuntu okuwangula.

- Okusobola oku kola kaadi, salaasala obupapula obutono. Ku luuyi olumu olwa buli kakpapula, wandiikayo ebiragiro/omulimu. Beera mutetenkanya era ogezeeko okuwa ebiragiro eby'engeri ez'ekintabuli! Okugeza:

- Okubala: bala mu mulundi ogwa 3, 6, 8...
- Ebikolwa: Wetooloole emirundi esatu, kwata ku mutwe oweeweete olubuto nga bw'obala oku-tuuka ku 20
- Kola olukalala lw'ebigambo ebifaanaganya envuga
- Yimba oluyimba
- Amagezi ag'awamu: menya ebibuga ebikulu eby'amawanga 6...

- Ogenda kuzannya n'ani? Omuntu omulala omu? Bangiko? Buli omu muwe akantu akatonoto-no k'agenda okutambuliza mu kakubo.

- Nga muli wamu n'abazannyi abalala, mukkiriziganye ku mateeka ge Mugenda okugoberera, ani agenda okusooka okuzannya? Kiki ekibaawo singa oli abeera tasobola kukola ky'alina ku-kola? Osobola okusaba ne bakuyambako? Osobola okuleka oluwalo lwo ne lukuiyitako? Bwe muba mumaze okukkiriziganya ku mateeka, olwo kye kiseera mutandike okuzannya.

- Kaadi 'z'ebikolebwa' zivuunike okuliraana akabaawo okuzannyirwa omuzannyo. Buli mu-zannyi afuna oluwalo okusuula ddayisi. Atambuliza empiki ye mu kakubo n'ebuuka omuwendo gw'obweso ogwenkana n'ennamba eri ku ddayisi.

- Agwa wa? Mukole akeeso kye kagamba. Omuzannyi bw'agwa ku 'funa kaadi', londa kaadi eriko ebikolebwa. Kola ekikolwa ekiragiddwa ku kaadi. Omuzannyi bw'abeera takisobola, mukebere mu mateeka gammwe ag'omuzannyo. Omuzannyi asooka okutuuka ku

**Ekigero ky'emyaka:** 8+

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu

**By'ogenda okuyiga:** Olulimi, okukozesa emiwendo.

**By'ogenda okukola:** Okuwuliziganya, okukolagana n'abalala, okulowooza okw'amakulu, okuyiiya.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Funayo omuntu omukulu gw'ogenda okuzannya naye.
- Omuzannyo gugonzeemu ng'oggyamu obweso obumu.
- Kuba akakubo n'ennoni ku nkokoto obe ng'osobola okukatambulira ku 'kabaawo akazannyirwako'.

# Kye ndaba ky'olaba?

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

**Eky'okukola:**

- Kuba ekifaananyi.
- Ekiddako, wandiika endagiriro y'okukuba ekifaananyi ekyo.
- Gamba omuntu omulala agoberere endagiriro yo nga talabye ku kifaananyi kyo.
- Bw'amala, geraageranya ebifaananyi byombi. Olowooza ki? Bifaanana obya byawufu? Lwaki byawufu? Kiki ekyandibiyambye okwongera okufaanana?

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Olulimi, okuwandiika ebiragiro.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okukwanaganya ebintu, okuwuliziganya n'abalala.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**


- Ebiragiro byogere bwogezi so tobiwandiika buwandiisi.
- Kozesa ebikolwa okwolesa ebiri mu kifaananyi kyo.
- Bumba 'ekifaananyi' okuva mu bbumba oba kikube mu musenyu/nfuufu.

# Kuba ekifaananyi ky'ensolo ey'eggete

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu eza langi oba eza bwino n'empapula

**Eky'okukola:**

- Funa olupapula n'ekkalaamu eza langi ez'enjawulo.
- Teebereza singa kkapa yalina olubuto olwenkana ng'olwenjovu? Oba singa embwa yalina ekiwaawo ku mugongo? Ekyo kyandifaananye kitya?
- Kuba ekifaananyi ky'ensolo yo ey'eggete ng'eriko ebitundu byayo eby'enjawulo. Lamba ebitundu by'ensolo yo eby'enjawulo.
- Ensolo yo ey'eggete gituume erinnya. Erinnya eryo liyinza okubeera akabonero akooleka ensolo ez'enjawulo z'okozesezza mu kifaananyi kyo.




**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- **Teebereza:** Ebeera wa? Mu nsi eno eyaffe oba mu nsi ya ngeri ndala? Mu nsi ya ngeri ki? Erya ki? Ekaaba etya? Etambula etya? Yafuna etya ebitundu byayo eby'enjawulo?
- **Nyumya/wandiika olugero** olukwata ku nsolo eyo.
- **Soma olugero luno** (oba gamba omuntu omulala alukusomere) osobole okufuna ekifaananyi ekituufu:

### Wampisi ne Wakayima

Wampisi yalinga atunda nnakati mu katale wabula nga Wakayima amujerega nnyo. 'Tosobola kutambula kwanguwa nga nze, osobola?' Wakayima yajerega Wampisi. 'Okaddiye nnyo ate tokyasobola na kulaba bulungi.'

Wakayima yeebongera awali Wampisi eyagezaako okumubaka kyokka nga tasobola. Wakayima yaddukawo nga bw'aseka.

Lumu, Wampisi yalayira nti 'Nzija kumulaga kyendi.' Bwatyo, yayongera okwefuula atalabira ddala n'ayambala ggaalubindi enkwafu.

Wakayima yayongera okukola effujjo n'okujooga era n'ayongera n'okusembera okumpi ddala. Lumu, Wampisi yakasuka omukono n'abaka amatu ga Wakayima. Yakwata n'anywereza ddala. Wampisi yefuula ng'aluma amatu ga Wakayima. Wakayima yalwana ng'eno bw'akankana kyokka nga Wampisi amunywezezza amatu amuwuuba amuzza waggulu ne wansi. Amatu ga Wakayima gaagenda gawanvuwa okutuusa lwe yesika, omulundi gumu, ne yesimattula okuva mu mannyo ga Wampisi (amannyo ga namukadde Wampisi gaali ganafuye). Wakayima yadduka mbiro n'ava mu katale, n'asegulira ekibuga era n'aviira Wampisi. Era, okuva olwo, bawakayima kye bava babeera n'amatu amawanvu bulijjo.

**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Enkula y'ebintu ne langi ezitali zimu, olulimi olunnyonnyola.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okukwanaganya ebintu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Nnyonnyola ebikwata ku nsolo eno. Lagirira omuntu omulala akube ekifaananyi kyayo. Lagirira omuntu omulala akube ekifaananyi kyayo.
- Ddira ebbumba oba ebicupa ebikadde oba ebipakiti omusabikibwa ebyokulya, mw'oba okola ensolo eno.

# Kuba ekifaananyi ky'ekibuga ky'ekirooto kyo

**Ojja kwetaaga:** Olupapula n'ekkalaamu enkalu/eza langi

**Eky'okukola:**

- Funa olupapula olugazi n'ekkalaamu enkalu.
- Gamba omuntu akusomere bino wammanga mu lwatu ng'agenda mpolampola osobole okuzibi-riza amaaso ofumiitirize.

  Zibiriza amaaso ofumiitirize ekibuga kyo. Teebereza ng'otambuira ku luguudo mu kibuga ky'ekirooto kyo. Ekibuga kyo kifaanana kitya? Kirimu bizimbe bya ngeri ki? Ebizimbe byenkana wa obuwanvu? Mulimu ntambula ya ngeri ki? Mulimu sitenseni y'eggaali y'omukka? Kibuga kya 'kiragala' ekiri-mu emiti n'ebisiikirize omuwummulirwa? Oba kibuga kya mirembe egiggya ekirimu emmotoka ezibuuka mu bbanga? Twala eddakiika nga ziizo ofumiitirize ku kibuga kyo.

- Zibula amaaso. Kuba ekifaananyi ky'ekibuga kyo. Tegeka ebizimbe we bigenda okubeera n'ebintu ebirala eby'okuteekamu. Sooka obage ekifaananyi n'oluvannyuma okittaanye. Kozesa langi bw'oba ozirina.
- Ekibuga kyo ogenda kukituuma linnya ki?
- Ddamu otunuulire ekibuga kyo. Olina kye werabidde? Essinzizo? Embuga enkadde oba ek-kadiyirizo? Ate omugga n'ekifo awazannyirwa emizannyo? Abantu kibanguyira okutambulira mu kibuga ekyo? Ate abo abalimu obulemu? Ekibuga kyo kigezze osobole okwongeramu ebin-tu bino.




**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu

**By'ogenda okuyiga:** Okukulaakulanya olulimi, olupimo, enkola y'ebibuga.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okutegeka, okuteekateeka, okugonjoola obuzibu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Lagirira omuntu omulala akukubire ekifaananyi ky'oyagala.
- Zimba ekibuga kyo ng'okozesa ebibookisi ebikalu, ebisabika, obuti n'amayinja.
- Kuba ekifaananyi ky'ebifo eby'omu malundiro oba obubuga obw'omu byalo mju kifo ky'ekibuga ekinene.

# Ebintu ebisinga okutusanyusa

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu n'olupapula wamu ne langi eziz'enjawulo

**Eky'okukola:**

- Tereeeza ekibatu kyo wakati ku lupapula okoloboze gye kiyitira yonna.
- Ku kifaananyi ky'engalo yo ensajja wandiikako langi gy'osinga okwagala. Oyinza oku-gisiigawo?
- Ku bifaananyi by'engalo zo endala, wandiikako essomo ly'osinga okwagala ku ssomero, emmere esinga okukuwoomera, omuzannyo ogusinga okukunyira, n'ensolo esinga okukusa-nyusa.
- Amabanga agasigaddemu gatimbemu ebifaananyi by'ebintu by'osinga okwagala!



**Omulimu ogw'ennyongeza:**

- Yiiya ebintu eby'enjawulo by'ogenda okuwandiika ku ngalo zo, bino biyinza okubeera ebintu ebirala ebikusanyusa oba ebika by'ebgambo ebitali bimu gamba ebibuga ebikulu eby'amawanga, ebibajje bye mulina mu nnyumba, ebintu ebikunyumira okukola, n'ebirala.



**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukulaakulanya olulimi.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okukwanaganya ebintu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gamba omuntu yenna akoloboze ekifaananyi okwetooloola engalo zo.
- Mubuulire ebintu by'osinga okwagala era omugambe abikuwandiikire.
- Lowooza ku bintu ebirala ebikusanyusa eby'okuteeka ku lukalala.

# Seeyeeya eryato lyo

**Ojja kwetaaga:** Ebbaafu oba eccupa ya pulasitiika enkadde, ekipapula oba olugoye, amayinja

## Eky'okukola:



- Funa akakebe oba akacupa ka pulaasitiika akakadde kakole ng'eryato lyo. Wunda eryato lyo, ogenda kwongerako akagoye akeewuuba?
- Seeyeeya eryato lyo mu kalobo akalimu amazzi oba mu kidiba ekitonotono. Liseeyeeya bulun-gi? Osobola okulitambuza ne lisala okuva ku ludda olumu olw'amazzi ne lidda ku ludda olula-la?
- Funayo amayinja. Linaagendamu amayinja ameka liryoke libbire?

## Omulimu ogw'ennyongereza:

- Osobola okukola eryato okuva mu kintu ekirala kyonna? Okugeza, empapula? Kino kikyusa omuwendo gw'amayinja ge lisoboila okwetikka?

**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Btono / busaamusaamu

**By'ogenda okuyiga:** Saayansi (physics), obukwafu bw'obuzito bw'ebintu.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okukwanaganya ebintu, okuzimba n'okuwunda.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gezesa ebikebe n'ebintu eby'enjawulo sokulaba oba biseeyeeya oba bibbira.
- Omulimu guno gukole ng'oli mu bbaafu enaabirwamu oba mu kabaafu mwe booleza ebintu mu ffumbiro.

# okugenda mu katale

**Ojja kwetaaga:** Ebintu 'eby'okutunda' ku mudaala gwo mu katale, ekkalaamu n'olupapula, amayinja oba buccokolo

**Eky'okukola:**

- Funa ekifo aw'okuteeka omudaala gwo. Kayinza okubeera akameza oba ekifo ekikalu awantu wonna ku ttaka.
- Salawo omudaala gwo kye gugenda okutunda. Byakulya? Ngoye? Bitabo? Oba kintabuli kya byamaguzi?
- Kuaanya ebintu eby'okussa ku mudaala gwo. Saba omu omukulu oba baaba wo aku-buulire oba OSOBOLA OKWEYAZIKA okweyazika ebintu. Oyinza n'okukozesa amayinja, amapeesa, buccokolo, ebikoola, obutabi bw'emiti n'ebirala, ne bikola ng'ebintu eby'okutunda.
- Kozesa amayinja oba buccokolo bikole nga sente. Funa akabookisi ak'okuterekamu sente. Funa olupapula n'ekkalaamu osobole okumanya emiwendo kw'otundira ebintu.
- Tegeka bulungi omudaala gwo. Ebintu bipangewo bulungi. Wandiika emiwendo gy'ensimbi ku bupapula obutimbe ku byamaguzi ku mudaala gwo.
- Baani abagenda okujja ku mudaala gwo? Baganda bo? Baaluganda? Ggulawo edduuka oyite abaguzi bajje bakuguleko ebintu.
- Kifuule ekinyuma nga bya beetaaga buli kiseera obeera tobirina. Balage ebintu ebirala ebitali ebyo bye beetaaga. Oba emiwendo giteeke waggulu onnyonnyole abaguzi lwaki okikoze. Emiwendo egya waggulu bagisiimye?



**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu

**By'ogenda okuyiga:** Okugatta n'okutoolako wamu n'okubalirira omuwendo gw'okusalira ku baguzi bbeeyi y'ebyamaguzi, olulimi lw'okugula n'okutunda ebintu.

**By'ogenda okukola:** Okuwuliziganya, okulamuzaganya, okukolagana, okuyiiya, okugonjoola obuzibu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Kolera wamu ne muganda wo oba n'omuntu omukulu mukole obupapula obuliko emiwendo gy'ebintu.
- Muwaanyise empalo n'omuntu omulala ng'omu akola ng'omutunzi ate omulala ng'akola ng'omuguzi.

# Ebigambo bimeka ...?

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

**Eky'okukola:**

- Wandiika emboozi eno mu Lungereza 'Learning at home is fun'.
- Laba ebigambo bimeka eby'enjawulo mu Lungereza by'osobola okuggya mu mboozi eyo era okole olukalala lwabyo, okugeza: Learn, ring, mat, lama, night.
- Osobola okukola emboozi endala mu Lungereza? Wandiika olukalala lwo olw'ebigambo?
- Lowoozayo emboozi mu lulimi lwo olabe ebigambo by'osobola okuggyamu. Eyinza okubeera emboozi yeemu oba endala.
- Tumuulira emboozi eddako mu Lungereza erimu buli nnukuta ya walifu: 'The quick brown fox jumps over the lazy dog.'
- Osobola okukola emboozi mu lulimi lwo erimu ennukuta zonna?

**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- Yiiya omuzannyo gw'ebigambo nga weyambisa ebigambo biri. Yiiya akagero akampimpi ng'okozesa ebigambo biri ebipya era okawandiike.

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okuwandiika, okugattulula ebigambo, enzimba y'emboozi.

**By'ogenda okukola:** sengeka ebintu, okuddirianya ebintu, okuyiiya.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Kuba bifaananyi ebikwata ku bigambo ebyo mu kifo ky'okuwandiika.
- Gamba omuntu ebigambo byo era asobola okubikuwandiikira.

# Singa nze pulezidenti ....

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

## Eky'okukola:

- Teebereza nga ggwe pulezidenti w'eggwanga lyo. Kintu ki kye wandisookeddeko okukyusa? Kiki kye wandyagadde okukoleraw bino:
  - Eby'enjigiriza (gamba amasomero n'abasomesa)
  - Obutonde bw'ensi (gamba okubutaasa)
  - Eby'obulamu (gamba amalwaliro n'abasawo)
  - Transportation (for example, how people travel around)
- Waliwo ebika by'abantu bye wandyagadde okuyamba? Be baani? Wandibayambye otya?



- Koppolola emboozi zino era ozimalirize n'ebigambo byo.

## Singa nze pulezidenti ...
## bya (erinnya lyo)

Singa nze pulezidenti wa (eggwanga lyo), nandi ..............................
Era nandi ..............................

Wandibaddewo ..............................

Nandisazizzaamu ..............................

Tewandibaddewo .............................. nate

Nandifubye okulaba nti ..............................

Omukono: ____________________

- Yongeramu emboozi endala nnyingi ddala nga nga bwe kyetaagisa.
- Kola okwoghera kwa pulezidenti ng'osoma emboozi zo mu lwatu n'obuvumu.

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, amateeka g'olulimi.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okulowooza okw'amakulu, okuwuliziganya, okwogera okw'olukale.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gamba omuntu akuyambeko okuwandiika emboozi zo.
- Kuba ebifaananyi by'ebintu by'oyagala okukyusa.
- Teebereza nga ggwe mwami w'ekyalo, mmeeya oba munnabyabufuzi w'omu kitundu.
- Yita abantu bo bakubuuze ebibuuzo era obyanukule mu kiti kyo nga Pulezidenti.

# Buuza ebibuuzo omuntu akusinga obukulu mu my-aka

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

**Eky'okukola:**

- Lowooza ku muntu omukulu mu myaka akusanyusa gwe wandyagadde okubuuza ebibuuzo. Ayinza okubeera ow'oluganda lwo oba ow'omu kitundu kyo.
- Biki ebimufuula okuba ng'asanyusa? Biki by'oyagala okumubuuza? Ebikwata ku biseera bye eby'obuto? Enkyukakyuka z'alabye mu bulamu bwe? Ebintu by'ayiseemu mu bulamu?
- Wandiika ebibuuzo by'oyagala okubuuza. Bitunuulire era obiteekeko ennamba mu busengeke bw'oyagla okubibuulizaamu.
- Wegeezemu okubuuza ebibuuzo ng'okikolera ku muntu omulala omukulu oba baaba wo. Ki-no kijja kukuyamba okulaba oba wetaaga okubaako ky'okyusaamu. Gw'obuuzizza ebibuuzo alowooza muli nti obadde wa kisa? Obadde mukambwe nnyo? Abadde ayagala omwongere obudde ayongere okubaako by'akutegeeza?
- Kyusaamu w'olowooza we wetaaga okukyusaamu oluvannyuma lw'okwegezaamu. Wetaagayo ebibuuzo ebirala? Kubikendeezaako? Olina ebibuuzo bye wetaaga okukyusaamu?
- Buuza ebibuuzo. Gw'obuuza ebibuuzo mwebaze olw'obudde bwe.

**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- Ebibuuzo by'ogenda okubuuza bikolemu ekiwandiiko eky'okusoma ku leediyo oba/ng'eggulire ery'okuwandiika mu lupapula lw'amawulire.




**Ekigero ky'emyaka:** 8+

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, okuyiga ebikwata ku yafaayo by'amaka oba eby'ekitundu.

**By'ogenda okukola:** Okuwuliziganya, okutegeka n'okuteekateeka okubuuza ebibuuzo, okulowooza okw'amakulu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gamba omuntu omulala asooke okukubuuza ebibuuzo osobole okumanya eby'okubuuza.
- Wandiika ebibuuzo eby'okubuuza mu nnukuta ennene bibe nga byangu okulaba.
- Kola ebibuuzo nga bimpi bibe nga byangu okujjukira.
- Gamba ayanukula ebibuuzo ayanukule mu bufunze ng'akozesa emboozi nnyimpi bibe nga byanguwa okuwandiika.

# Vumbula oba yiiya ekintu kyonna oba ekyuma

**Ojja kwetaaga:** Pencil or pen and paper

**Eky'okukola:**

- Lowooza ku kintu oba ekyuma ky'oyagaala okuyiiya. Kikola mirimu ki? Osanga kintu ekisobola okuyamba abantu. Osobola okutambnula nakyo? Kikolebwa kuva mu bintu ki? Kikozesa masannyalaze?

- Kuba ekifaananyi ky'ekyuma kyo era olambe ebitundu byakyo eby'enjawulo. Ebitundu byakyo birina mugaso ki?

- Wandiika ebikwata ku kyuma kyo. Osobola okunnyonnyola engeri ggye kikola? Biki by'osobola okukola n'ekyuma kyo?

**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- Ekyuma kyo kikole okuva mu bintu ebisuuliddwa nga bimaze okukozesebwa. Okueza, funa ebibookisi n'ebicupa bya pulaasitiika ebimaze okukozesebwa. Wandiika ku bitundu by'ekyuma kyo eby'enjawulo, bw'oba oyagala.

- Kola akalango k'ekyuma kyo. Bintu ki ebikulu ebikitunda? Biki bye kikola ebijja okusikiriza abantu okukigula? Kinaayongera kitya okutumbula obulamu bw'abantu? Kigula sentemeka? Wandiika akalango akaenda mu lupapula lw'amawulire.



**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, okuwandiika, okugattulula ennukuta.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okuonjoola obuzibu, okulowooza okw'amakulu, okuwuliziganya, okumanya ebikwebunguludde.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gamba omuntu akuyambe akube ekifaa-nanyi.
- Ekifaananyi ky'ekyuma kyo kibumbe okuva mu bbumba.
- Gamba omuntu akuwandiikire obulambe.

# okuwunda ebintu okuva mu kasasiro

**Ojja kwetaaga:** Ebintu n'ebisabika ebisuuliddwa, ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

## Eky'okukola:

- Kuaanya ebintu n'ebisabika ebisuuliddwa. Muno muyinza okubaamu ebicupa ebya pulaasitiika, buccokolo, ebibookisi ebya sayizi zonna, ebipakiti, engoye enkadde, n'ebirala.

- Era noonya ebintu by'obutonde by'oyinza okweyambisa okuwunda, gamba, obuti, amayinja, amakoola amakalu, oba n'ebbumba oba obudongo.

- Lowooza ku ky'oyagala okukola. Kyakuz annyisa kya baana? Kirina emipiira? Oba akayumba? Kirina ebisenge? Lowooza ku nkula y'ekyo ky'oyagala okukola.







- Draw a picture of your design and plan what you will need to make it.

- Wunda ekintu kyo.

- Ddamu otunuulire ekiwunde kyo nate. Oyinza kwongera kukirongoosa otya? Kiki ekiyinza okuyambako okwongera okukinyweza? Okukiyamba okutambula obulungi?

**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okubaga, okukanikakanika, okuzimba.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okugonjoola obuzibu, okukwanaganya ebintu, okutegeera ebikwebunguludde.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gamba omuntu okuyambeko okukola ekiwunde kyo.
- Kibage mu ngeri nga nnyangu – kola ekikebe ky'ebimuli, ekintu ekyekulungula, oba akazannyo k'okubala emiwendo.

# okukola enkalala

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

**Eky'okukola:**

- Lowooza ku bintu by'osobola okukolamu olukalala:
  - Ennyimba ezikunyumira
  - Ebimera ebiri mu kitundu kyammwe
  - Ebintu ebikusanyusa
  - Ebintu by'osinga okukola obulungi
  - Ebintu by'oyagala mubeere nabyo awaka
- Gezaako okulowooza ku nkalala z'ebintu ebitali bikalu, gamba 'ebintu bye weebaliza Mukama' oba 'ebintu ebinyuma okukola'.
- Londako kimu owandiike olukalala lwakyo.
- Osobola olukalala okulwawulamu enkalala entonotono? Okugeza, ebimera ebiri mu kitundu kyammwe biyinza okwawulwamu ebiriibwa n'ebitaliibwa.

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, okuwandiika, okugattulula ennukuta.

**By'ogenda okukola:** Okusengeka ebintu, okuddirianya ebintu, okuyiiya.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Amba omuntu akuwandiikire olukalala lwo.
- Kuba ebifaananyi by'olukalala lwo.
- Kuaanya ebintu 10 ebifaanana. Byonna biva mu nnimiro? Byonna bya kwambala? Byonna bya mu ffumbiro? Gamba omuntu akuwandiikire amannya gaabyo.

# Kuba maapu y'ekitundu kyo

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula, ebirungo ebifumba, ebintu ebifumba

**Eky'okukola:**

- Funa empapula n'ekkalaamu, mpozzi ne langi entonotono.
- Tambuza amaaso g'omutima gwo ogetoolooze ekitundu kyo. Biki by'olaba? (Mayumba, bizimbe na nguudo naye n'emiti oba ebifo eby'enjawulo gamba amasinzizo oba ebisaawe.)
- Lowooza ku buwanvu bw'enguudo ezimu, obuwanvu bw'emiti egimu oba ebizimbe ebimu. Ate ebibangirizi ebyetadde ng'ebisaawe n'ebisiikirize? Akatale? Essomero? Ekintu ekirala kyonna ky'osobola okulowoozaako?




- Salawo engeri gy'ogenda okukubamu maapu yo. Ebintu eby'enjawulo ogenda kubisiiga langi? Byonna ogenda kubiteekamu? Ogenda kukola endagiriro ekiikirira ebimu (gamba omusittale omukutulekutule okulaga omwala, enkulungo eya kiragala okulaga omuti)?

- Olupapula lugenda kuba lwenkaa wa obugazi? Olupapula lumu? Bbiri?
- Buli kintu kigenda kwenakna wa obunene? Essomero, ekisaawe, enguudo oba obukuubo, n'akatale bigenda kwenkana wa obunene?
- Kuba maapu. Lamba ebitundu eby'enjawulo oba kola endagiriro gy'oba olamba.

**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- **Teebereza:** omuntu omupya ng'akubuuza omulagirire awali akatale oba omugga. Wandiika oba yogera endagiriro eyo. Funa omuntu atunule ku maapu yo era asabe endagiriro.
- **Nyumya/wandiika olugero** olukwata ku bifo ebimu ebikulu mu kitundu ekyo. Essomero lyatandika ddi? Ekisaawe kyaliwo okuva edda n'edda? Waali wabaddewo ekibambulira ng'amataba oba embuyaga ey'amaanyi mu kitundu? Ate ebijaguzo? Waliwo ebyafaayo byonna ebikulu ennyo? Waliwo olugero lw'emisambwa olukwata ku kifo kyonna?
- **Wunda ekifaananyi** ky'ekitundu kyo. Kozesa ebisabika ebikadde oba ebibookisi ebitali binene nnyo by'osobola okufuna. Osobola okukiwundira omuntu atasobola kulaba, akwata obukwasi ku bintu n'asobola okutuuka gy'alaga? Eky'okukozesa akaguwa kiyinza okuyambako.

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu / bungi

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, ebigambo ebikwata ku bifo, olulimi olulagirira, ekitundu kyo, ebijjukizo ebikulu.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okukwanaganya ebintu, okukuba ebifaananyi ebiri ku lupimo, okukiikirira, okutegeera ebikwebunguludde, okwetegereza.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Nnyonnyola ebikwata ku kitundu ogambe omuntu akuyambeko akube maapu.
- Kola ekiwunde (mu kifo kya maapu) eky'ekitundu ekyo.
- Kuba pulaani y'ennyumba yo oba ey'ekisenge kimu mu nnyumba.
- Nyumya obugero obukwata ku kitundu gy'obeera ogambe omuntu abuwandiike.

# Kola ddole okuva mu sookisi

**Ojja kwetaaga:** Sookisi enkadde, empanvu nga nnyonjo, ekkalaamu ya bwino omukwafu oba ennoni, amapeesa amakadde, empiso, ewuzi ne makaasi, ppamba.

**Eky'okukola:**

- Funa sookisi enkadde empanvu. Yingizaamu omukono gwo owete engalo zo zikole ennukuta C. teeka engalo yo ensajja mu kisinziiro ya sookisi. Gizannyise okutuusa ng'eringa omutwe oguliko omumwa.
- Kozesa ekkalaamu ya bwino oba ennoni olambe amaaso we ganaabeera. Weyambule sookisi. Kuba amaaso abiri oba tunga amapeesa we walambye amaaso.
- Yongerako ppamba okole enviiri. Okukola kino, sala ebifi bya ppamba nga byenkana obuwanvu obisibe wakati. Oluvannyuma obitunge ku sookisi, waggulu w'amaaso.
- Timba ddole wo. Muteekeko enkofiira oba kola omumwa okuva mu kaadi oba mu kagoye.
- Ddole wo mutuume erinnya era omumanyiize 'okwogera'. Mufuule abeere ng'atunula bulala oba nga munyiivu okusinziira ku ngeri gy'okyusaamu engalo zo. Mufuule atunule ng'eyeewuunya ng'amaaso ge ogaawukanya oba ng'anyiize ng'amaaso ge ogasembereganya.

**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- Kola ddole omulala owa sookisi 'obooogeze' bombi. Buli omu yeeyisa atya? Bintu ki bye banyumirwa okukola? Abantu bo bakolere omwoleso gwa ddole.



**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu

**By'ogenda okuyiga:** Okukuba ebifaananyi, okwogeraganya, okukula mu lulimi.

**By'ogenda okukola:** Okukwanaganya ebintu, okuyiiya, okutetenkanya.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gamba omuntu akuyambeko okutonaatona ddole wo.

# Mancala oba omuzannyo omulala ogw'okubala emiwendo

**Ojja kwetaaga:** Amayinja, ebijanjaalo oba empeke

**Eky'okukola:**

- Mulina mizannyo ki egy'okubala emiwendo mu ggwanga lyammwe? Mulinayo omuzannyo gwonna ogukozesa obuyinja obutono, ebijanjaalo ebikalu, empeke oba ekintu ekirala kyonna ekibalwa n'akabaawo (akafaananako akalagiddwa wammanga)?
- Omuzannyo muguzannya mutya? Amateeka g'omuzannyo ogamanyi? Oba nedda, osobola okufuna omuntu ayinza okugakuyigiriza?
- Bw'oba tolina kabaawo, osobola okukeekolera ku ttaka? Osobola okusima obunnya mu ttaka n'ofuna obuyinja obw'okukozesa.
- Zannya omuzannyo. Bw'oba wetaaga abazannyi babiri kijja kukwetaagisa okufuna omuntu omulala gw'ozannya naye. Kiki ekigufuula okubeera omuzannyo omulungi?





**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- Osobola okuwandiika amateeka agafuga omuzannyo gwo? Teebereza nti amateeka ago ga muntu atazannyangako ku muzannyo ogwo.
- Osobola okuyiiyayo omuzannyo omupya ogw'okubala emiwendo? Omuzannyo gwo guyigirize omuntu omulala. Omuzannyo ogwo gulina mateeka ki?

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okubala emiwendo, okukula mu lulimi (ebiragiro).

**By'ogenda okukola:** Okukolagana n'abalala, okugonjoola obuzibu, okuwuliziganya, okubeera n'ekiruubirirwa.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Bwe kiba nga kizibu okufuna obuntu obutonotono, kozesa amayinja amaneneko.

# okutunuulira obutonde bw'ensi

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

## Eky'okukola:

- Fuluma ebweru osalewo by'oyagala okutunuulira. Kiyinza okubeera ekiwuka, nga nnabbubi ng'azimba ekitimba oba ensanafu nga yetisse eky'okulya mu kamwa. Kiyinza okubeera ekintu ekibuuka, ng'ekiwojjolo, ekinyonyi oba enjuki ng'enuuna omubisi mu kimuli. Oba oyinza okutunuulira omuti n'ebisiikirize byagwo mu mbuyaga oba omusana nga gwaka ku mazzi mu mugga.

- Tunula okumala eddakiika waakiri kkumi na ttaano oba okusingawo era owandiike buli ky'osobola okwetegereza. Tunuulira engeri gye kitambula, amabala oba kangi ez'enjawulo (langi ezaaka ezirabula oba langi ezikisobozesa okwekweka we kibeera kitudde). Osobola okukinnyonnyola?


- Webuuze ebibuuzo ebirala: Kyenkana wa obunene? Kirina amagulu ameka? Kitambula kitya? (kyanguwa, kisooba, na ggete, na ssimbo.) Kigenda wa? Biki ebyekiise mu kkubo lyakyo, kigezaako kukola ki? Waliwo ebiwuka/ebisolo ebirala ebikifaanana awo okumpi? Bikola ki?





**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- **Kuba** ekifaanannyi ky'ekyo kye walabye.
- **Zuula** ebirala ebikwata ku kye walabye. Gamba omuntu amanyi ebintu bino era olowooze ne ku bibuuzo eby'okubuuza. Ekisolo/ekiwuka ekyo kirya ki? Waliyo ebika bimeka? Bifuna bitya eky'okulya? Bibeera mu bibinja oba kimukimu? Bizaala bitya abaana? Bisenguka?
- **Kola akatabo omuwandiikibwa eby'obutonde bw'ensi.** Luno lusobola okubeera olupapula obupapula kw'owandiika oba kw'okuba ebifaananyi by'ebintu by'olaba buli lunaku. Bw'oba osobola okutunuulira ekintu kye kimu okumala ennaku eziwerako (gamba ebisiikirize by'emiti oba ekimuli ekiyanjulukuse oba omugga, ne weetegereza enkyukakyuka ezigenda zibaawo okumala ennaku. Waliwo ebiwuka eby'enjawulo ebijja ku kimuli ekyo? Ate oku muti? Ebinyonyi bikikyalira oba ebikoola byakyo bigenda bikyuka? Bikula? Ate omugga? Waliwo ebyennyanja oba ebiwuka eby'enjawulo ebigulimu oba ebiguliraanye? Langi y'amazzi egenda ekyuka?



**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, olulimi olunnyonnyola, saayansi: ensi y'obutonde n'ebintu ebirina obulamu.

**By'ogenda okukola:** Okwetegereza n'obwegendereza ate enkaliriza. Okuyiga ebikwata ku by'olaba. Obugumiikiriza, okulowooza okw'amakulu, okuwuliziganya.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Bw'oba olina obuzibu mu kulaba, kozesa ebiyungo byo ebirala okusobola okutegeera obutonde bw'ensi. Wuliriza, wunyiriza era kwata ku ttaka, emiti n'ebimera ebikwetoolodde.
- Nnyonnyola by'owunyiriza, by'owulira ne by'okwatako. Buulira omuntu omulala awandiike by'ozudde.
- Kuba ekifaananyi mu kifo ky'okuwandiika, oba gamba omuntu akuwandiikire ebirowoozo byo.

# oluyimba oluggya, eddoboozi ekkadde

**Ojja kwetaaga:** Tewali

**Eky'okukola:**

- Lowooza ku luyimba buli muntu lw'amanyi mu lulimi lwo era nga lwangu okuyimba.
- Yiiya ebigambo ebipya mu ddoboozi lye limu. Osobola okuyiiya oluyimba olukwata ku kintu kyonna kyonna ky'oyagala, okugeza, basenya batya amannyo, omuzannyi asinga okukusanyusa mu lugero, oba ekintu ekintu ekyewuunyisa ekyaliwo.
- Oluyimba luyigirze abantu abalala. Gattamu ebikolwa bw'oba oyagala.
- Eky'okulabirako kiikino eky'oluyimba 'lw'okunaaba engalo' nga luli mu Lungereza mu ddoboozi lya 'happy birthday'. Osobola okuluyimba?
- Wash hands well each day
  To keep germs away
  Scrub with soap and water
  And be on your way



**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, omudigido, ennyingo, ebigambo ebifaananya envuga.

**By'ogenda okukola:** Okuwuliziganya, okuyiiya.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Bw'oba oli miggala oba nga towulira bulungi, osobola okuyiiya ennyimba mu lulimi lw'obubonero oba mu bikolwa.
- Osobola okuyimbisa oluyimba ku leediyo n'oluyiiyizaamu ebigambo ebirala.
- Osobola okuggya amaloboozi g'ebivuga mu ssefuluya oba obulobo ng'omuntu omulala ayimba.

# Ebitontome eby'ekisiru

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

**Eky'okukola:**

- Tunuulira ekitontole wammanga 'eky'obusirusiru' (obuyiiye) mu Lungereza ekyawandiikibwa omutontomi **Spike Milligan**. Osobola okusoma ku kaama oba mu lwatu bw'oba oyagala. Weetegereze nnyo ebigambo eby'obusirusiru oba ebitasuubirwa.

**On The Ning Nang Nong**

On the Ning Nang Nong
Where the Cows go Bong!
and the monkeys all say BOO!
There's a Nong Nang Ning
Where the trees go Ping!
And the tea pots jibber jabber joo.
On the Nong Ning Nang
All the mice go Clang
And you just can't catch 'em when they do!
So its Ning Nang Nong
Cows go Bong!
Nong Nang Ning
Trees go Ping
Nong Ning Nang
The mice go Clang
What a noisy place to belong

- Bw'oba omaze okusoma, wandiika olukalala l**w'ebigambo byonna eby'obusiru** Spike Milligan by'akozesa mu kitontome kino.

- Kigambo ki eky'obusiru ky'osinga okwagala era lwaki?

- Olinayo ekitontome kyonna eky'obusiru mu ggwanga lyo/lulimi lwo?


- Yiiyayo ebigambo eby'okusaaga ebijja okusesa mikwano gyo. Eddoboozi eriseka? Engeri emiti gye gifaanana nga gigezze nnyo? Erinnya eppya ery'ennyindo? Ekintu ekitawoomera ddala wandikiyise otya? Omusinde gw'ebigere byo ng'otambulira ku bikoola ebikalu? Erinnya ery'ensolo empya?

- Yiiyayo ebigambo ebipya bitaano owandiike kye bitegeeza.

- Wandiika emboozi, ekitontome eky'obusiru oba akagero ng'okozesa ebigambo byo. Tewetaaga kubikozesa byonna. Londako by'osinga okwagala n'ebyo ebisinga okuvuga obulungi nga biri wamu.

- Osobola okukozesa 'On the Ning Nang Nong' ne kikuwa amaanyi. Gezaako okutandika ennyiriri zo n'emboozi ezifaanana, gamba:

  - On the ...
  - Where the ...
  - And the ...










**Ekigero ky'emyaka:** 8+

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, okunnyonnyola amakulu g'ebigambo, enzimba y'emboozi, enkontana y'amaloboozi n'omudigido.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okuwuliziganya, okukola amakulu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Ekitontome kyogere mu kamwa oba gamba omuntu akikuwandiikire.
- Wandiika ekitontome kya nnyiriri 2.

# Simba ensigo ogyetegereze ng'ekula

**Ojja kwetaaga:** Ensigo, ettaka, amazzi, akati akalamba

## Eky'okukola:

- Salawo ky'oyagala okulima. Kijanjaalo, kawo oba nsigo ndala? Oyagala kulima kintu kiriibwa? Buuza omanye ensigo ezidda obulungi mu kiseera kino eky'omwaka era nsigo kli ezifunika amangu.

- Salawo w'oyagala okusimba ensigo yo. Mu kikebe oba wansi ku ttaka. Oba wansi ku ttaka, funa ekifo ensolo we zitaatawaanye. Sooka otegeere ekifo ekisingako obulungi eky'okusimbamu ensigo yo. Mu kisiikirize? Mu kizzikezzike oba awaaka omusana obutereevu?

- Simba ensigo yo mu kifo ekitaliimu muddo. Simba ensigo bbiri oba ssatu mu kikebe si kulwa ng'emu teroka (temera). Gifukirire bulungi.

- Ekimera kyo kikorere akabonero. Wandiika erinnya ly'ekimera ku kati okasimbe mu tytaka okumpi n'ensigo yo.

- Gifukirire buli lunaku oba buli kiseera ettaka libeere nga lirimu amazzi.

### Omulimu ogw'ennyongereza:

- Buli lunaku kikebereko olabe oba kikula. Wandiika ebikwata ku nkula yaakyo. Akamera kapime buli lunaku okuva lwe kavaayo mu ttaka. Katwala ennaku meka okuleeta amakoola? Ebimuli? Ebibala? Wandiika by'olaba.



**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okulinma emmere, ensi y'obutonde, okulabirira ekimera.

**By'ogenda okukola:** Okwetegereza, okugonjoola obuzibu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Bw'oba olina obuzibu mu kutambula, osobola okusimba ensigo mu kikebe munda mu nnyumba. Osobola okugituuka okugifukirira? Eri mu kifo ekituukamu ekitangaala?
- Osobola okukomola omutwe gw'eccupa eya pulasitiika n'okolamu ekikebe.

# okusomera awamu

**Ojja kwetaaga:** Akatabo akalimu engero oba kozesa olumu ku ngero eziri ku muko okuddako

## Eky'okukola:

- Baaba oba omuntu omukulu asobola okusomera omwana omuto olugero oba omuto asobola okusomera baaba we oba omuntu omukulu. Oluusi kibeera kirungi okukikola mu mpalo buli omu n'akolako ku byombi.
- Londa olugero (okuva mu katabo) mwembi olubanyumira oba yiiyayo olupya. Luyinza okubeera olugero oluliyo ddala oba olufumbirire.
- Jjukira okukyusa amaloboozi ng'onyumya olugero. Oyinza otya okwogeza empologoma, omusajja omukadde, akamyu akatidde?
- Wummulamuko ng'onyumya olugero obuuze 'olowooza kiki ekigenda okuddako?'. Mugezeeko okuteebereza awamu ekitundu ky'olugero ekiddako.
- Ku muko oguddako kuliko obugero bubiri obumpimpi bwe muyinza okusomera awamu.
- Muyinza n'okusoma 'Wampisi ne Wakayima' okuva mu mulimu 'Kuba ekifaananyi ky'ensolo ekusanyusa'. Musome ekitundu ekikulu eky'olugero, muwummulemu nga temunnaba kweyongerayo kusoma bisembayo era mugezeeko okuteeba enkomerero y'olugero.
- Musome enkomerero. Mwateebye butuufu? Musobola okuyiiya omutwe gw'olugero?

### Omulimu ogw'ennyongereza:

- Musobola okuzannyira awamu akamu ku bugero obusinga okubanyumira? Musaleewo abazannyi be Mugenda okufuuka era mwegezeemu ebitundu byammwe. Akagero kammwe mukazannyiremu bannamwe abalala ab'awaka.

**Olugero 1: Enjovu Tembo:**

'Togendngaa mu mugga' maama Wanjovu bwatyo bwe yakuutiranga omwana we Tembo. 'Eyo waliyo goonya ennene, ejja kukulya.' Tembo yasigala yebuuza. Goonya kye ki? Teyasobola kufuna omwanukula? Bwatyo lumu n'agenda ku mugga. Yayimirira awo ku lubalama. Oluvannyuma, n'ayongera okusemberera omugga. Naye nga talina ky'alaba okuggyako ekifaananyi kye mu mazzi g'omugga. Yangore okusembera era amangu ago … goonya n'evaayo ng'eyasamye era … Kkwa!

N'abaka ennyindo ya Tembo. 'Munnyambe' Tembo yaleekaana. Maama we yajja ng'adduka mbiro, n'akwata omukira gwa Tembo. Baganda be bajja misinde ne bakwata amatu ge, era ne basika nnyo kyokka nga goonya eremeddeko. 'Mutuyambe' baakoowoola era mangu ago bawansolo bonna abaali mu kibira ne bajja ne batandika okusika.

**Enkomerero:**

Baasika omukira gwe ne guwanvuwa ng'aomugwa, baasika amatu ge ne gagejja, n'ennyindo ye n'ewanvuwa. Baasika ne basika era oluvannyuma goonya n'eta. Buli yatalantuka n'agwira banne wansi ku muddo. Tembo yaali asimattuse. Naye kiki ekyali kituuse ku mukira gwe ogwali gweweta obulungi n'amatu ge agaali galabika obulungi, ne … ENNYINDO ye?

Eno ye nsonga lwaki n'okutuusa kati, enjovu zirina ennyindo mpanvu eyitibwa ekikono n'amatu anagazi agalinga ebikoola by'emboga.

## Olugero 2: Amatondo g'enkuba asatu (bya Terry Jones):

Ettondo ly'enkuba lyali litonnya okuva mu bire, ne ligamba linnaalyo nti: 'Nze ttondo erisinga obunene n'obulungi mu bwengula bwonna!'

'Kituufu olabika bulungi,' ettondo erokubiri bwe lyayanukula, 'naye tewawundibwa bulungi kwenakna nze. Era nze ndowooza nti empunda kye kisinga obukulu, n'olwekyo nze ttondo erisinga obulungi mu bwengula bwonna.'

Ettondo eryasooka ne liddamu nti: 'Tusaana empaka zino tuzimale leero.' Bwe batyo ne basaba ettondo erokusatu libasalirewo. Kyokka ettondo eryokusatu ned libagamba nti: 'Ebibakaayanya bya buitaliimu! Oyinza okubeera ettondo eddene, era nga wawundibwa bulungi, naye, nga ffenne bwe tumanyi, obuyonjo bwe businga obukulu, ate mwembi nze mbasinga obuyonjo. N'olwekyo nze ttondfo erisinga obulungi,mu bwengula bwonna!'

**Enkomerero:**

*Awo, ng'amatondo gali amalala abiri tegannaba kwanukula, gonna asatu wamu ne gagwa ku ttaka ne gavulungulwa mu bisooto.*

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Bunene

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, enzimba y'olugero, okuteebereza, katemba.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okukolera awamu, okukolagana, okuwuliriza.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Osobola okunyumya olugero mu lulimi lw'obubonero. Jjukira okweyambisa ennyo ebikolwa by'oku maaso.
- Akagero kazannye ng'okozesa ddole za sookisi

# Omuyiggo

**Ojja kwetaaga:** Olupapula n'ekkalaamu

**Eky'okukola:**

- Omuyiggo kwe kugenda okunoonya ebintu ebiri ku lukalala. Osobola 'okuyigga' munda mu nnyumba oba wabweru. Bw'oyigga n'abantu abalala, omuntu asooka okuzuua ebintu byonna ebiri ku lukalala ye abeera omuwanguzi.

- Tunuulira olukalala. Ku lulwo oba ng'oli n'abalala, musobola kukozesa bwangui ki okukuaanya ebintu byonna ebiri ku lukalala?

  - Ekintu ekya bbululu
  - Ekintu ekigonda
  - Ebintu bibiri ebikoleddwa mu mbaawo
  - Ekintu ekiwooma
  - Ebintu bisatu ebitandika n'ennukuta yeemu
  - Ekintu ekimasamasa
  - Ekintu ekikozesebwa okulongoosa
  - Ekintu ky'oyagala ennyo

- Bw'oba wakoze omuyiggo n'omuntu omulala, geraageranya ebintu eby'enjawulo bwe mukuaanyizza.

- Kaakati kola olukalala olulwo. Okweyambisa ebigambo bi nnalongezalinnya (gonda, wooma, masamasa) ne langi ebeera ntandikwa nnungi. Tunula ku byokulabirako ebirala waggulu olabe oba osobola okukola olukalala olulwo lwa bintu 10 eby'okunoonya.

- Wandiika olukalala lwo era ogambe omuntu agende abinoonye.



**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi (nnakongezalinnya n'amannya), okubala.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okugonjoola obuzibu, okukolagana n'abalala.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Londa bintu ebiri mu kisenge kimu kyokka mu nnyumba yammwe.
- Songa ku bintu ogambe omuntu abikuleetere.
- Lagira (gamba omuntu) ebintu eby'okuwandiika ku lukalala.
- Bw'oba olina obuzibu mu kulaba, osobola okugamba omuntu n'akuleetera ebintu eby'okufunirako ebibnifaanana, n'obikweka mu kisenge kimu. Obutto bubiri? Ebitabo bibiri? Engatto bbiri?

# Akabonero ak'ekyama


**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

## Eky'okukola:

Waliwo engeri nnyingi ez'okwekolera akabonero ak'ekyama.

- Osobola okukyusa buli nnukuta eri mu walifu yo n'oteekawo ennamba naye ng'otandika n'ennamba esingayo obunene n'ogenda ng'okka wansi. Okugeza, Olungereza lulina ennukuta 26, n'olwekyo a=26, b=25, c=24, d=23 n'ebirala. Osobola okuzuula kino kye kitegeeza? 8 22 24 9 22 7 24 12 23 22.

- Osobola okuwaanyisa buli nnukuta mu kifo kyayo n'oteekawo ennukuta endala kyokka ng'ozikuumira mu busengeke bwazo, okugeza a=h, b=i, c=j, d=k, e=l, f=m n'ebirala.




- Osobola okuyiiya obubonmero obupya mu kifo kya buli nnukuta ya walifu ng abwe guli mu kyokulabnirako. Singa osalawo okuyiiya obubonero obubwo, webuuze:

  - Akabonero kange nkawandiike nga kava ku kkono nga kadda ku ddyo? Oba nga kava waggulu nga kakkirira?

  - Mbeere n'obubonero nga bwenkana n'omuwendo gw'ennukuta eziri mu walifu? Oba obubonero bubiri nga bukiikirira ennukuta emu? (kino kikaluubiriza nnyo abantu abalala okusobola okutegeera olulimi lwo olw'ekyama).

- Osobola okuvumbula ebigambo by'Olungereza okusinziira ku bubonero bw'oweereddwa ku mumo oguwedde? (laba, akabonero konna tokalina mu bujjuvu!)



- Funa ekkalaamu eya bwino/enkalu n'olupapula. Wandiika akabonero ko ak'ekyama mu bujjuvu. Oluvannyuma wandiika obubaka obw'ekyama olabe oba abantu abalala basobola okubutegeera.

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, okuwandiika, okuyungulula ebigambo.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okuwuliziganya, okugonjopola obuzibu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Bw'oba olina obuzibu mu kulaba, osobola okuyiiya akabonero akoogere. Londa eddoboozi nga 'ka', 'ub' oba 'sha'. Eddoboozi eryo liteeke ku ntandikwa ya buli kigambo, oba ku ntandikwa ya buli nnyingo. Okugeza, bw'ogamba "I am happy" mu Lungereza, kiyinza okuwulikika nga "kai kam kahap kapy'.

# Ekikula ky'ebintu n'enneewunda yabyo mu butonde

**Ojja kwetaaga:** Obuti n'amayinja

**Eky'okukola:**

- Fuluma wabweru. Ebikula by'ebintu n'enneewunda y'ebintu olaba bimeka mu butonde? Tunuulira n'ebintu ebiva mu butonde by'olina mu maka, ng'ebibala n'enva endiirwa.



- Ebikula by'ebintu bimeka n'enneewunda y'ebintu ya mirundi emeka gy'osobola okutuuma amannya? Osobola okulaba ekintu:
  - Ekirina enjuyi ezenkanankana?
  - Ekigenda kyebonga mu mpunda yakyo?
  - Ekyekulungirivu oba ekyakula ng'eppaapaali?
  - Ekifaanana okuba nga kigenda kiddamu enneewunda yakyo emirundi n'emirundi?
  - Ekyakula nga mmunyeenye oba ng'omutima?

- Olabye ebikoola ebimu bwe bifaanana ng'obuti obutonto? Osobola oklulaba ekikoola ekyakula bwe kityo? Osobola okubala obutundu obutono obuli ku nduli y'ekikoola kino?

- Funa obuti n'amayinja. Bikula bya ngeri ki ebirala by'osobola okukola mu bino? Osobola okukola::

  - Sumbusa oba nsonda nnya ezenkana,
  - Nsonda ttaano,
  - Nsonga mukaaga,
  - Nsonda munaana.



- Osobola okukola ebikula ebiyimiridde mu bbanga ng'okozesa obuti n'amayinja? Nsonda ssatu oba nsonda nnya, okugeza?

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Amannya g'ebikula, ebigambo ebinnyonnyola eneewunda, okubala.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okugonjoola obuzibu, okukwanaganya ebintu, okwetegereza.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Bw'oba tolina kifo ky'ebweru kiri kumpi na nnyumba yammwe, osobola okutambulira awo ku miriraano?
- Bw'oba olina obuzibu mu kutambula, omuntu omulala ayinza okukuweereza ensawo y'ebintu by'ogenda okweyambisa?

# Enkulungo y'olugero

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

**Eky'okukola:**

Osobola okukola omulimu guno n'abantu basatu oba okusingawo. Mutuule wamu mu nkulungo.

- Omuntu omu atandika olugero, okugeza, **"Waaliwo akawala akaali kabuliddwa otulo. Kekulungula ne kekyusa naye otulo ne tugaana okuggya"**.

- Koma awo. Gamba omuntu addako mu nkulungo ayongereyo olugero ng'akozesa emboozi emu oba bbiri zokka. Okugeza: "Kaatunuulira omwezi ogwali gwaka. Amangu ago ne walabika okubaawo ekintu nga kiringa ekitambula okuva ku mwezi nga kijja gye kali. Lyali ddaala erya ffeeza eryakka mpola, mpola, mpola ne lituuka ku ddirisa lyako".

- 'Yongerayo' olugero eri omuntu addako mu nkulungo alwongereko. Olugero musobola kulunyumya kukoma wa? Bwe wabaawo abantu babiri bokka mu nkulungo, mutwale empalo.

- Gamba omuntu omu alumalirize nga buli omu ku mmwe afunye empalo waakiri bbiri.

- Amateeka 'g'Enkulungo y'Olugero' ge gano:
  - Kozesa obutetenkanya bwo, buli kintu kisoboka!
  - Olugero lwongereyo (tosobola kugamba nti, 'kaalinnya eddaala' n'okoma awo, olina omkwongerako ebirala 'kaalinnya eddaala okutuusa lwe kaatuuka waggulu ne kalaba....' )
  - Tonyumya lugero lwonna, leka omuntu addako naye ayongereko.

- Osobola okulonda olugero olw'engeri yonna. Lusobola okluba nga lukwata ku kintu ekiriyo ddala mu bulamu (gamba ekijaguzo oba olugendo) oba ensolo oba ekirooto okuva mu buyiiya bwo.



**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, ensengeka y'olugero n'amateeka gaalwo: by'osobola ne by'otosobola kukola mu lugero ng'olutandise.

**By'ogenda okukola:** Okulowooza amangu, okuyiiya, okuwuliziganya n'okukolagana n'abalala.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Teeka mu nsawo obuntu obutonotono nga 10 okuva mu nnyumba yammwe – ekintu kyonna ky'osobola okulaba, (okugeza ekikopo, ejjinja, akagoye). Mukikole mu mpalo okuggya ekintu kimu kimu iokuva mu nsawo, buli mulundi gwe muggyamu ekintu ekirala mukozese enkola eno kibayambe okugatta emboozi empya emu oba bbiri ku lugero. Okugeza, 'waggulu ku ddaala kaalaba ekikopo, ekikopo ekya zaabuekyali kikulukuta nga kibooze omugga gwa zaabu…'.
- Wandiika olugero olusinga okunyuma lwe muyiiyizza mwembi. Mwongeremu ebigambo bi nnakongezalinnya n'olulimi olunnyonnyola ebintu olugero lwongere okunyuma.

# Weebaze omuzira w'abantu

**Ojja kwetaaga:** Olupapula n'ekkalaamu

**Eky'okukola:**



- Omuzira w'abantu asobola okubeera omuntu yenna owa bulijjo ayambye banne mu kitundu oba eyamalirira n'alemerako newankubadde nga yayita mu buzibu bungi. Buli muntu yenna asobola asobola okubeera omuzira. Amanyiiyo omuntu bwati?
- Lowooza ku muzira w'ekitundu kyo. Ye ani? Yakola ki? Kiki ky'omwegombako?
- Omuzira wo oyagala kumwebaza otya? Ekifaananyi, ekipande oba oluyimba olujaguza bye yakola? Ebbaluwa emwebaza oba ekirabo eky'engeri endala? Oba olyawo oyagala kumugamba bugam,bi nti 'weebale'.
- Kola ekirabo kyo/wandiika ebbaluwa yo ofune engeri ennungi gy'osobola okweyambisa okukituusa ku muzira wo. Gamba omuntu omukulu oba mukulu wo akuyambeko.

**Ekigero ky'emyaka:** Pulayimale

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi.

**By'ogenda okukola:** Okuwuliziganya, okuyiiya, okuyiga okubeera n'ekisa n'okusaasira.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gamba omuntu omulala akuyambe okuwandiika ebbaluwa nga ggwe omubuulira eby'okuwandiika. Kuba ekifaananyi eky'okugendera ku bbaluwa eyo oba yongerezaako ekirabo.

# omuyiggo gw'ekkula

**Ojja kwetaaga:** Ekkalaamu enkalu oba eya bwino n'olupapula

**Eky'okukola:**

Omuyiggo gw'ekkula gubeera muzannyo ng'abazannyi banoonya ebintu ebibeera bikwekeddwa nga **bagoberera endagiriro/okuwabulwa**. Buli ndagiriro gy'osobola okuvumbula ekutuusa ku eyo eddako okutuusa lw'ozuula ekkula. 'Ekkula' erisembayo lisobola okubeera ekintu kyonna ky'oyagala – akantu akatono akakusanyusa oba ekyokulya (lab anti bwe kiba kikwekeddwa ensolo tekigwako n'ekirya!)

- Lowooza ku **gw'oyagala okukolera omuyiggo gw'ekkula** – muto wo oba mukulu wo? Muntu mukulu? Kiojja kukwetaagisa okuwandiika endagiriro ezituukana n'emyaka gyabwe nti era basobola bulungi okugitegeera (laba ebyokulabirako ebimu wammanga).

- Lowooza ku **kifo gy'oyagala okukolera omuyiggo gw'ekkula** – mu nnyumba oba wabweru oba byombi? Omuyiggo gugenda kutandikira wa era gugenda kukoma wa?

- Londa **ebifo** (obusonda endagiriro we zijja okuteekebwa) olw'omuyiggo gw'ekkula. Omuti omunene, kabada mu nnyumba, oba endagiriro eyinza okubeera omuntu omulala ow'awaka atali omu ku abo abazannya omuzannyo. Ebifo nga 8 osanga bimala. Wandiika ebifo bino era obiwe ennamba mu busengeke bwabyo.

- Wandiika endagiriro ya buli kifo ku kapapula aketongodde. Lab anti endagiriro nzibeea zitegeerekeka mangu 'abazannyi' naye ate tozifuula nnyangu nnyo! Okugeza:
  - Endagiriro: Nina omucungwa oguwooma, ekibala ekikambira (Ekifo: omuti gw'omuyembe)
  - Endagiriro: Wano w'ofunira ebirooto ekiro (Ekifo: kitanda)

  Oyinza n'okweyambisa okucanga ennukuta (n'okyusakyusa ebifo by'ennukuta mu kigambo) okugeza:

- Endagiriro: KABIKILUE YK'ZAMAZI (Ekifo: Ekibakuli ky'amazzi)
- Oba osobola okweyambisa akabonero ak'ekyama k'oyiiyizza.

- **Endagiriro ziwe ennamba** ozizinge ennamba ebeere nga ye yokka erabika. Abazannyi ojja kubawa endagiriro esooka ejja okubatuusa ku eddako n'okweyongerayo.

- **Endagiriro esooka gisigaze ate endala ozikweke** mu bifo mu busengeke obutuufu – kozesa olukalala lwe wawandiise okusooka lukuyambe okujjukira gy'olina okuzikweka. Endagiriro eri ku nnamba 1 gy'okwekamu endagiriro nnamba 2. Endagiriro eri ku nnamba 2 gy'okwekamu endagiriro nnamba 3 n'ebirala. Endagiriro esembayo gy'okwekamu 'ekkulu'.

- Bwe waba waliwo abazannyi abasoba mu omu, olwo **mukkiriziganye ku mateeka** mwenna wamu. Okugeza, amateeka agamu gayinza okubeera:
  - Kitwetaagisa okulindagana nga tetunnaba kugenda ku ndagiriro eddako.
  - Twetaaga okutwala empalo okuvumbula endagiriro.
  - Twetaagaokugabana ekkula nga tulizudde.

- **Gaba endagiriro esooka.** Tambulatambula n'omuzannyi/abazannyi si kulwa nga balaalira nga betaaga okwongera okuiyambibwako okusobola okutegeera endagiriro.

**Ekigero ky'emyaka:** 10+

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Busaamusaamu

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, okuwandiika, okuyungulula ebigambo.

**By'ogenda okukola:** Okusengeka ebintu, okuddirianya ebintu, okuyiiya, okulowooza okw'amakulu, okuwulkiziganya, okukolagana n'abalala, okugonjoola obuzibu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Gamba omuntu akuyambeko okuwandiika endagiriro.
- Wandiika endagiriro 3 oba 4 zokka.
- Omuyiggo gw'ekkula temugukola nga 'lukomo' naye buli ndagiriro esobola okuba ng'ekutuusa ku 'kkula' ettonotono – kino kyanguya omulimu gw'okutegeka omuyiggo.
- Kola endagiriro nga nyanguyangu ng'okubirako ebifaananyi.

# Ebibuuzo amakumi abiri

**Ojja kwetaaga:** Tewali

**Eky'okukola:**

Omulimu guno gukola bulungi nga guli wakati w'abazannyi abali wakati w'ababiri n'abataano nga buli omu afuna omukisa okubuuza ekibuuzo.

- Osobola okulonda omuntu yenna mu kibinja kyo asooke, okugeza, asingayo obuto oba eyakasembayo okujaguza amazaalibwa ge.
- **Londa omuntu, ekifo, oba ekintu.** Lowooza ku muntu oba ku klintu ky'omanyi obulungi osobole okwanukula ebibuuzo bino ebyangu. Bw'olonda omuntu, ayinza okuba nga mulamu oba nga yafa, oba nga tali nayo (nga ali mu ngero). Laba nti olonda omuntu, ekifo, oba eklintu ng'abantu abasinga obungi mu kibinja kyo bakimanyi.
- Tobuulirako muntu yenna ky'olonze. Baleke bateebereze.
- Abalala babuuza ebibuuzo ebyanuklulwa ne yee oba nedda. Tandika n'ekibuuzo ky'awamu ekitali kikugire nga kisobola okwanukulwa ne "yee" oba "nedda". Okugeza:
  - "Muntu?"
  - "Kifo?"
  - "Kintu?"
  - "Gyekiri ddala oba kiyiiye buyiiye?"
- **Mutwale empalo nga mubuuza ebibuuzo ebyanukulwa yee oba nedda.** Laba nti buli muzannyi afuna omukisa okubuuza waakiri ekibuuzo kimu. Singa omuzannyi abuuza ekibuuzo ekitasobola kwanukulwa na "yee" oba "nedda", mugambe addemu akibuuze kibe nga kisobola okwanukulwa mu ngeri eyo. Okugeza, omuzannyi

tasobola kubuuza nti, "Alina emyaka emeka egy'obukulu?" naye ayinza okubuuza nti, "Alina emyaka egisoba mu 50 egy'obukulu?"

- **Mugende nga mubuuza ebibuuzo ebyesongodde ng abwe mweyongerayo.** Lowooza ku bibuuzo ebimaze okubuuzibwa nga tonnaba kubuuza birala. Okugeza, singa omuntu yamaze okubuuza ku bugazi bw'ekintu, genda ku langi yakyo oba ku kirungo mwe baakikola.
- **Muzannye okutuusa nga mutuuse ku bibuuzo 20 oba ng'omuntu omu awadde eky'okuddamu ekituufu.** Mubale ebibuuzo nga muli wamu. Singa ekibinja kituuka ku bibuuzo 20 nga tebannaba kuteeba mu butuufu muntu, kifo oba kintu, bategeeze eky'okuddamu ekituufu. Singa omuntu akiteeba ng'ebibuuzo 20 tebinnaggwayo, omuzannyo gubeera guweddemu.
- Ateebye ekituufu ye abeera addako. Singa waba tewali yateebye kituufu, oyo yenna ayagala okuddako asobola okuddako. Buli muntu afune omukisa okulowoozayo ekintu. Okuwa buli muntu oluwalo kireetera buli omu okwetaba obulungi mu muzannyo n'okugunyumirwa!

**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, ebiti.

**By'ogenda okukola:** Okuwuliziganya, okulowooza okw'amakulu, okugonjoola obuzibu.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**


- Ebibuuzo bikugire ku kiti kimu, gamba, 'ensolo', 'emmere' oba 'abantu ab'ettutumu'. Gamba abazannyi ekiti ekiriwo.
- Muzannye enjuyi za bazannyi babiri babiri musobole okuyambagana nga muli babiri.
- Omuzannyo mugugaziye gusinge ku bibuuzo 20 mwongere okugaziya emikisa gy'okufuna eky'okwanukula ekituufu.
- Teeka ku mmeeza oba mu nsawo ebintu nga 20 okuva awaka. Londako kimu mu kyama. Abalala balina okuteeba ky'olonze.

# Ebbaluwa eri omusomesa wo

**Ojja kwetaaga:** Olupapula n'ekkalaamu

**Eky'okukola:**

- Funa ekkalaamu n'olupapula.
- Lowooza ky'oyagala okugamba omusomesa wo. Oyagala kumutegeeza by'okola awaka? Oyinza okussaamu:
    - Ekintu ekikunyumidde
    - Ekintu ekyewuunyisa ekyaliwo
    - Ekintu ekisoomooza ky'okoze
    - Ekintu kye wesunga
- Wandiika ebbaluwa nga kuliko endagiriro n'ennaku z'omwezi era ogisseeko omukono.
- Bwe kiba kisoboka, osobola okutuusa obulungi ebbaluwa eyo eri omusomesa wo? Gamba baaba wo oba omuntu omukulu akuyambeko.



Dear mrs roper,
I tryed Tee wicks and i loved it. It was funny when me and my mum got tangeled up in the swing ball. I also tryed maths game, and all the different games on it. Some of them are difficult and some of them are really fun!. I'm looking forward to making somthing out of wood. yours

sincerely

Theo:

**Omulimu ogw'ennyongereza:**

- Osobola okuwandiika ebbaluwa enteebereze ekwanukula ng'eva ew'omusomesa wo? Kozesa ebigambo omusomesa wo bye yandikozesezza.

- Osobola okuwandiika ebbaluwa esesa eri omusomesa wo ng'omunnyonnyola lwaki tewasobodde kukola mulimu gwe yabawadde okukolera awaka? Lowooza ku nsonga eteri ya bulijjo, okugeza:

  - "embuzi yalidde omulimu gwange".

  - "embuyaga yabadde ya maanyi nnyo n'efuuwa omulimu gwange n'egutwala".

- Kozesa ebbago lino likuyambe okuwandiika ebbaluwa yo.

Omusomesa wange omulungi

Nkusaba onsonyiwe obutakola mulimu gwe watuwadde okukolera awaka.

Nsaba kunsonyiwa naye .... (kiki ekyaliwo?)....

Nzija ...(onookola ki?).........

Beera bulungi,

Omukono:



**Ekigero ky'emyaka:** Emyaka gyonna

**Obuyambi bw'omuntu omukulu/baaba:** Butono

**By'ogenda okuyiga:** Okukula mu lulimi, okuwandiika ebbaluwa, enzimba y'emboozi, okuyungulula ebigambo.

**By'ogenda okukola:** Okuyiiya, okusaasira.

**Engeri ez'enjawulo ez'okukola omulimu guno:**

- Lagira omuntu omulala ebigambo by'ebbaluwa yo (mugambe nga ye bw'awandiika).
- Wandiika obugambo butonotono.
- Kubira omusomesa wo ekifaananyi ky'ebintu by'okola awaka.